**08th March 2015.**

# OBUJULIRWA BW'EKYAMAGERO.

**Yokaana 2:1 – 11.**

Yokaana akyalutugerera nga bwe gwaali mu ntandikwa z'obuweereza bwa Yesu Kristo mu wiki eyasooka, ng'amaze ottuwa obujulirwa bw'emikwano, abaali abasajja bataano, abaali abagoberezi era abayigirizwa ba Yesu abaasooka.
Nga bwe tubuulirwa mu byawandiikibwa byaffe leero kuno kwe kwaali okusooka kw'obuweereza bwa Yesu obw'omulwaatu, obw'ebikolwa n'ensomesa, obukomekkerezebwa mu ssuula 12.
*[Tusome]*.

Okubeera kwe ku mbaga, kwe baayitibwa awamu n'abayigirizwa be, kiraga nti gwaali mukolo gwa munju y'ewaabwe, Yesu gwe yassaamu ekitiibwa, nga bwe kigwaanidde obufumbo bwonna obutukuzibwa mu lwaatu.
Kaana eky'e Ggaliraaya, kaali kaalo mailo 9 okuva e Nazzaaleesi, era ne Nassanayiri,(Omuyisirayiri wawu ataliimu bukuusa) gwe twaalaba oluwedde gyeyava, nga kitwaalwa nti ab'omubyaalo byombi baali bamanyagane, osanga baalimiranga wamu, baasubuliranga wamu.

Obweetaavu obwajjawo bwaali nsonga nkulu nnyo kubanga embaga nga bwe tumanyi gwaali mukolo mukulu ogwaamalanga wiki nnamba, era Maama wa Yesu, okutwaalira Yesu obweetaavu obwo kiraga nti n'eka ng'ajja akula engeri gyeyali yeyisaamu yali kamala byonna, ekijjayo ekifaanani ekisuubirwa nti kitaawe ow'okunsi – Yusufu, yali yaffa eddako nga bakyaali bato, era Yesu yalina okulabirira nnyina ne baganda be mu biro ebyo.
Naye nga wayini ng'enzivuunula yange bwe gambye kye kyaali eky'okunywa ky'okumikolo nga soda bwaali mu biro bino, era nga gwaali mwenge ogutabuddwaamu amazzi, kitundu kimu ku bisatu n'okw'eyongerayo okutuusa ku kitundu kimu ku kkumi, okuwonya ennyonta, kuba amazzi ameerere engeri gyegataafuumbwanga tegandibade malungi kunywa ate n'omwenge omusu gwanditamiizizza abanywi, ate ng'obutamiivu kyaali kivve. Nga ne bayibuli ekivumirira nga bwe tumanyi obulungi.

Kaakano Mariyamu nga bw'amanyidde okkola bwatwaalira Yesu ensonga eri mu ddiiro, amumanyi okuba omuyiiya, era atalemererwanga kuba na magezi gamala kutereeza nsonga yonna, Yesu amugamba nti ekiseera kyaali tekinnatuuka kweyolesa eri abantu bonna, naye era agenda mu maaso n'abaako kyaakola olw'okukkiriza nnyina kweyamulinamu okungi.

Bwabagamba okujjuza amasuwa gonna okutuuka ku migo, kiraga nti walina okubaawo obukakafu nti temwaali kintu kirala okujjako amazzi mu ggo.
Era mu ngeri etalagibwa, kikakasibwa nti amazzi gaafuulwa wayini omulungi ennyo, ekyamanyika bonna abaali emanju, ky'enkakasa nti baakibuulira bannaabwe abalala oluvannyuma, kubanga abawerako ku bbo baali bategedde ku nsonga y'okuba nti sitoowa yali ekalidde eby'okunywa!

Naye nga bwe guli omulamwa gw'enjiri ya Yokaana eno, akituggirayo nti ….
(Akabonero)….*lnny.11*.
Wadde nga Yesu yali akinokoddeyo nti essaawa ye ey'okumanyika nga Masiya yali tennaba, yafaayo era okulaba ng'ebaga tefa, ate nga yali alina kyasobola okkola… kye kiva kiba ekikulu okumwanirizanga mu mikolo gyaffe gyonna, gibe nga ginaamuweesa ekitiibwa nga tuli mu ssanyu, tumweyagaliramu.

Wayini mu byawandiikibwa kikwasaganyizibwa n'essanyu.
Wadde nga bayibuli etulaga nga kuluno nti mwalimu okunywesa abantu wayini oba omwenge, ate nga tegaana kugunywa, kabe kasinge ne Timoseewo agambwa okunywa ku wayini okuvvumula obutali butereevu bwe yalina mu lubuto, ate ssi kituufu kuba bannywi ba mwenge nga bwe tugambwa mu Baefeso 5: 18 nti... "So temutamiiranga mwenge, kubanga mu gwo mulimu okwegayaggula, naye mujjulenga Omwoyo".
Ate twetegereze Yesu bwajjawo amazzi g'obulombolombo bw'okwetukuza bw'abayisirayiri, agaaliwo, n'agafuula ekireeta essanyu ku mukolo, okulaga nti okkwaata amateeka tekimala, wabula okumukkiririzaamu kye kikola enjawulo.
Ajjawo eky'eby'omukaaga(ebitatuukiridde), eby'amateeka, n'amaanyi g'obuntu.
Okuva n'olwo abayigirizwa be beyongeranga okumukkiririzaamu, nga bwe yali agambye Nassanaayiri.
Ekyamagero kya Yesu kino ekyaasooka, kitulaga ekitiibwa kye n'obusukkulumu bw'essanyu ly'atwaagaza mu bulokozi bw'atuleetera.